OKULAMUSA KW'OMUBAKA WA SSABASAJJA
Mw. Wycliffe Lule-Musoke

Ssaabasajja Kabaka Muwenda Mutebi II, Ssebo Nnalinya Nabanakulya, Abalangira n'Abambejja, Owekitiibwa Katikkiro Ambassador Ssendawula, Omukubiriza w'Olukiiko lw'Abakulu b'Ebika byaffe, Omutaka Nnakirembeka, Abebitiibwa n'Abakungu mmwenna abawerekedde ku Ssaabasajja, Ababaka ba Ssaabasajja mu North Amerika, Abateesiteesi ba Ttabamiruka, Bassebo ne Bannyabo awamu n'abaana baffe, ng'Omubaka wa Ssaabasajja mu Ssaza lino omutudde olukung'aana lwaffe, nina essanyu lya nsusso okubalamusa, n'okubeebaza ennyo okujja mu lukung'aana luno.

Ssaabasajja, ku lw'Abazaana n'Abasajja bo mu Masaaza New Jersey, New York, Delware ne Pennyslvania mwendi ng'Omubaka wo, wamu ne Babaka bannange mu Masaza amalala mu North Amerika , ate ne ku lw'Abantu bonna abatindizze eng'endo okuva mu nsi ez' enjawulo, siima okkirize tukwebaze olw'okukkiriza okusaba kwaffe, era nosiima n'ojja okuggulawo olukung'aana lwaffe luno Ttabamiruka Olwokusatu.
[Bannange, kino tusaanidde tukikubireko mu ngalo!].

Ssaabasajja, njagala okukozesa omukisa guno okukutegeeza nti abantu bo mu masaza ge nkukikiriraamu, bantu bakozi ddala mu mirimu gye bakola okweyimirizawo ate n'egyo emirala egigannyula Obuganda. Wadde bali bunaayira kyokka bakoze emirimu egiwerako mu Buganda.
Era Beene, wensabira okkirize tukwebaze, olwekikolwa kyo bwe wasiima n'otutonera Engabo ng'osiima abantu bo wano abakolera mu Kibiina kyaffe Ggwanga mujje New York/New Jersey olw'okwenyigira mu mirimu gy'okukulaakulanya Nnyaffe Buganda.
Ssaabasajja, twasiima, twasiimira ddala olwokutulowoozako bwotyo.
Ssaabasajja, nzija kugira nkyakomye awo, anti olunaku twakalutandika ate nga n'ebyokukola bingi.
Wangaala, Ssaabasajja!